NARO

CAB INTERNATIONAL

IDRC
International Development Research Centre

CRDI
Centre de recherches pour le développement international



OKUKUMA EGGANALYO NGA DDAMU N'OKUFUNA AMATA AMANGI

Okumanya ebisingawo tukirira:
Omulimisa ali mu kitundo kyo

Okukuma ente nga namu no'kwewala endwade

Okufuna amagoba mu kulunda ente, omulunzi olina okukuuma egganalye nga ddamu.

Obulwadde bwénte buyinza okufiriza omulunzi mu ngeri zino wamanga

- Ente zifa obulwade
- Amata agava mu nte gakendera
- Ente zikonziba
- Omulimi afiirwa ensimbi nyingi mu kujanjaba ente.
- Obulwadde bwénte obumu bukwata abantu gamba nga akafuba, enfaana akakoko.

Endwadde ezitera okulumba ente

Enyana zitera okulwala ekidukano, omusujja gwamawuggwe nejoka. Endwadde eziretebwa enkwa: omusujja gwenkwa, ebbanyi, ekihaha, kalusu.

Waliwo néndwadde eletera ekibeere kyénte okuzimba, awamu ne enywanto.


Ate waliwo obulwadde obusasanyizibwa amangu ennyo nga kalusu, kiwugwe (CBPP), esotoka (rinderpest), amakebe.

Okwewala obulwadde bwénte

Omulunzi yena alina okumanya nti kyangu okuziyiza obulwadde okusinga okujanjaba ente nga zirwadde.

Nolwekyo endabirira ennungi ekuuma ente zo nganamu bulungi. Oyinza okweyambisa engeri zino wamanga okwewala endwade:-

- Kuuma ekiralo kyénte nga kiyonjo awamu ne bikozesebwa ebirala byona ne bw[illegible] nga oli ku dundiro eddene.
- Lwanyisa enkwa ne biwuka ebirala ebiyinza okusiiga ente zo obulwadde. Kino oyinza okikola nga ente ozinyika oba okuzifuyira eddagala.



Okufuyira ente

- Ente ziwe eddagala erita enfjoka buli luvanyuma lwa myezi egitasuka mukaaga.
- Ente olina okuzigema obulwadde nga kalusu, kiwugwe, ensotoka (rinderpest), námakebe.



Emitego gye bivu

- Ebivu nabyo bilwanyise nga weyambisa emitego gyabyo no ku zigema.

Obulwadde obukwata amabere génte oyinza okubwewala nga okuuma ebifo awakamwa nga biyonjo. Kuno kwogata eddagala erita obuwuka awamu nókulaba nga ente tezibera wantu wabisi.

Ente endwadde zawule ku ndala okutusa nga zimaze okujanjabwa omusawo wébisolo.

Ente bwoziriisa obulungi teziba nyangu ku kwatibwa bulwadde. Era wewale okumala gatambuza nte zo oba amata mu bifo ebiyinza okubamu endwadde nga kalusu, ensotoka ne kakoto.